**18th September 2016.**

## OKUBAZA MU KYEEYA OLW'OBUWULIZE ERI MUKAMA.

**Lubereberye 26:1 -33.**

Mu kitundu eky'okusatu ekitali kinene, eky'obulamu bwa Isaaka, mutabani wa Ibulayimu omukulu era ow'ensonga, mu ky'okuba nti ye yasikira ebisuubizo by'obutuukirivu bw'endagaano ya Mukama ne Ibulayimu ey'olubeerera, nga bwetwaalaba Yesu Kristo agamba mu Matayo 22:32 nti Mukama Katonda wa Ibulayimu, era ye Katonda wa Isaaka, era ye Katonda wa Yakobo, ssi Katonda wa bafu wabula ye Katonda w'abalamu.
Tusomesebwa leero ku bulamu bwa Isaaka, kyokka ate obulagirwa mu kisiikirize kya kitaawe olw'entakera erinnya lye n'ebikolwa bye gye biggibwaayo!

Tubuulirwa mu lnny. 1 nti…….
Twakilabako mu ssuula 12:10, nti waagwa enjala mu nsi ensuubize, ne tusomesebwa era ekyo ekitujjukizibwa leero nti ne mu nsi ensuubize mubaamu ebiseera by'ekyeeya, omuba enjala, n'okuyigganyizibwa, embeera ezitasanyusa, kabe kasinge ezinakuwaza era ezeelariikiriza. Ezo Mukama z'aganya otuggira okugezesa era okkuza okukkiriza kwaffe mu Yye, olwo tweyongere okkula mu ntabagana zaffe naye, tusobole okkuzibwa mu miganyulwo gy'emikisa gyaffe okuva gyaali.
N'era bwe kyaali eri Isaaka, wabula ku luno alabika yali asibyeeko ebibye aserengeta e Misiri, Mukama namuyimiriza nga bwe tugambwa mu lnny.2 – 6…..
Kyakalaatirwa Mukama nti obugonvu era obuwulize gyaali bye bileetera okuganyulwa mu bisuubizo bye(5). Nti wadde Mukama atuukiriza ebisuubizo bye obutasinziira ku mbala z'abantu wabula olw'obujjuvu bw'ekisa kye nga bwe twasomesebwa oluwedde, Obwetengeredde bwa Mukama, n'obuvunaanyizibwa bw'abantu bikolagana. (God's sovereignty and human responsibility go hand in hand.) Bwe tuba ab'okuganyulwa mu mikisa gye, tugyenyumirizeemu, tulina okumwesiga n'omugondera. (Trust and Obey)…Akayimba akamu katugamba okumwesiga tumugondere ng'egeri yokka gyetusobola okuba abasanyufu mu Yesu.
Era nga bwe tulaba, ebiddako Isaaka bw'ateesiga Mukama, ebyakiviiramu tebyaali birungi…nny.6 -11.

Tujjukira nti bwe kyaali n'eri kitaawe emirundi ebiri, nga n'ogw'okubiri yalimba kitaawe w'ono eyali Abimereki, mu ssuula 20. (Nga bwe tulina ekitiibwa kya Kabaka, Abafilisuuti baabayitanga Abimereki). Wewaawo tulaba ekibi kya ba kitaabwe bwe kilondoola abatabani, ne tulabulwa okwegendereza ennyo engeri gye tweyisaamu mu bulamu, kubanga olwaddaaki ng'ebyo bye wejjusa ezadde lyo nalyo libyejjusa. N'olw'ekyo tulina okuba ab'egendereza ennyo bye tusalawo okkola oba obutakola mu bulamu. Mukama atusaasire.

Wewaawo nga Mukama bwaali ow'ekisa ennyo, tulaba nga Isaaka ne Lebbeeka baweebwa obukuumi era n'omukisa gwa Mukama ne gubeyongera, era tubuulirwa nti ..[lnny.12 -16].
Kyokka nga bwe gutera okuba, kino kyabaletera obuggya okuva mu bafirisuuti, olwo ate ne badda mu kuyigganyizibwa. Kubanga tebaagobwa kyokka wabula n'enzizi zaabwe ne zizibwa.
Nny.17 – 25…… Zitulaga engeri y'omukono gwa Mukama okutereeza Isaaka okudda eyo gye yamwagaza okuba, e Beeruseba. Era bwe yatuukayo Mukama n'amuddira n'amukakasizaako ebisuubizo bye, ne Isaaka n'asinza Mukama.

Olwo okufaananyiriza ne Ngero 16:7 nti "Amakubo ag'omuntu bwe gaba gasanyusa Mukama, aleetera n'abalabe be okubeera naye mu mirembe."
Bwe gwaali nga bwe tubuulirwa mu nny.26 -33…….
Mukama yeebazibwe.

Bwe tulaba ku bulamu bwa Isaaka, nti yanyweezebwa mu nsi eyabasuubizibwa n'aganyulwaamu olw'obuwulize n'obwetoowaze. Kubanga wadde teyaddirayo mu lubereberye, era yeesiga Mukama  era n'amugondera n'atakkirira Misiri……. N'era Abafirisuuti bwe baamuziikira enzizi za kitaawe mu buggya, teyasitula ntalo, wabula yeyongera kusima ndala. Ekitweefaanaanyiriza n'obwetaavu bwaffe okweyongeranga obweyongezi okunoonyanga okujjuzibwa Omwooyo Omutukuvu olwo obulamu bwaffe oba n'obuweereza bwaffe bwe bunaayongera okutuukirizibwa era bube bwa mulamwa eri abangi, Mukama atugaziyize amatwaale era atukulaakulanye mu kwagala kwe, nga tujjukira obwetaavu bwaffe okuba n'emigga gy'amazzi amalamu egikulukuta  okuva mu ffe nga Yokaana 7:38 bwe lugamba.
Amiina.